# Aba Medinah Islamic Junior Sch. e Nakirebe - Kaggaba boolesezza ebitone nga baggalawo ttaamu

Bya VIVIEN NAKITẸNDE




Abayizi ba Top Class ku Medinah Islamic Junior School e Nakirebe - Kaggaba abaatikkiddwa nga bali n'abasomesa baabwe bwe baabadde bayimbira abagenyi.



Haji Ishakka Mbalirwa n'omukyala abatandisi b'amasomero ga Medinah Islamic Junior Schools e Nakirebe -Kaggaba ne Nsanji- Katereke.

ABAYIZI b'essomero lya Medinah Islamic Junior School e Nakirebe- Kaggaba, boolesezza bye bayize omubadde okwogera mu bantu, okusamba omupiira ku mukolo gwa Speech Day oguggalawo olusoma olwa ttaamu eyookusatu n'okutikkira abayizi ba Top Class abagenda mu pulayimale omwaka ogujja.

Omukolo gwatandise na duwa ėyakulembeddwa Sheikh Idris Nsereko amanyiddwa nga Jjajja Madiinah era eyabadde omugenyi omukulu. Sheikh Nsereko yasiimye Haji Ishakka Mbalirwa omutandisi w'essomero olw'okulengerera ewala, okusomesa eddiini (Oluwarabu) n'Olungereza, nti kubanga kyongera okugaziya emikisa gyabwe ne bakula nga bajjudde mu mwoyo ne mu mubiri.

N'ategeeza nti, abaana abato ssi bangu kusomesa kubanga omusomesa ekintu ate mu, kaseera katono ng'akyerabidde ng'olina okumuddiramu, nti kale abasomesa baabwe beetaaga okusiima. Oluvannyuma yatikkidde abayizi ba Top class 19 abagenda mu pulayimale n'abategeeza nti, ekyo kitegeeza entandikwa y'okusoma okwa nnamaddala kwe bagendamu.

Ku mukolo gwe gumu era abayizi 6 abaasomye eddiini ne bamalako omutendera ogutandikirwako ogwa Yasarna, nabo baakwasiddwa amabaluwa gaabwe, nga kati basobola bulungi okusoma Kulaani.

Akulira essomero, Habib Abdul yayanjulidde abazadde ebikopo essomero bye liwangudde mu mizannyo egy'enjawulo omwaka guno, nga lye lyakiikirira disitulikiti y'e Mpigi e Yumbe mu mpaka za Under 12 ball games, ne bakwata kyakubiri mu ggwanga lyonna, nga bazze bawangula n'empaka endala. Nga ne mu National debate 2024, Medinah Islamic Junior ye yawangula ekikopo ekyo.

Haji Ishakka Mbalirwa, omutandisi w'essomero lino yagambye nti, basomesa abaana mu by'eddiini n'olungereza ekibayamba okufuna emikisa emingi olw'okubeera n'obumanyi obw'enjawulo.

N'ategeeza nti kati baagala kwongeramu okusomesa eby'emikono, abayizi bayige nga bwe bakwatako, kyongere okutangaaza emikisa gyabwe mu nsi nga bamanyi ebintu eby'enjawulo. Yategeezeza nti abaana babatendeka n'okutumbula ebitone byabwe ne bavaayo nga bantu abajjudde.






Abaatikkiddwa nga basala keeki ne Haji Ishakka Mbalirwa, omutandisi w'essomero. Mu katono ku kkono ye Sheikh Idris Nsereko amanyiddwa nga Jjajja Madinah.




Abayizi ba Medinah Islamic Junior School e Nakirebe-Kaggaba nga balaga ebikopo eby-enjawulo bye bawangudde omwaka guno.



Abayizi abamazeeko omusomo gw'eddiini ogwa Yasarna nga balaga amabaluwa gaabwe ge baafunye.